

P360/1  
Luganda  
Paper 1  
July/August 2022  
2½ hours

## BUGANDA EXAMINATION COUNCIL MOCKS

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

OLUPAPULA 1

(AMATEEKA N'ENKOZESA Y'OLULIMI, OBUWANGWA  
N'ABAWANDIISI)

ESSAAWA BBIRI N'EKITUNDU

### **EBIGOBERERWA**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwa ebitundu bisatu **A, B ne C***
- *Ekitundu **A** kya buwaze*
- *Mu kitundu **B** kola nnamba **2, 3 ne 4**. Oweereddwa ebyokulondako by'oyagala okuddamu*
- *Mu kitundu **C** ggyamu ekibuuzo kimu **(1)** ng'okironda ku bikuweereddwa.*

## **EKITUNDU A**

### **Ddamu ebibuuzo byonna ebikuweereddwa mu kitundu kino**

- 1a) Nga owa eby'okulabirako laga engeri ttaano(5)  
ez'enjawulo lwe tweyambisa obubonero obuwaabi.  
(obubonero 5)
- (b) Ddamu owandiike sentensi zino wammanga ng'ogoberera  
ebikuweereddwa mu bukomera  
(obubonero 5)
- i. Emmere gye balidde ebaddemu omunno mungi era abasinga ebalemye (saza ku nakasigirwa entabaluganda)
  - ii. Omusajja alidde ku mukazi eryenvu lye. (ddamu owandiike sentensi ng'amannya agalimu ogasikkiza nakasigirwa.)
  - iii. Olya biki ebyo? (giteeke mu kyesirikidde)
  - iv. Omukazi yatuboggoledde nti temuddamu kunsala mu maaso.(Embooji giteekemu obubonero bw'empandiika entuufu.)
  - v. Taata atutumye mu kyalo kuleeta mmere.(giteeke mu kiseera ekirijja)
- (c) Ebikolwa ebikuweereddwa wammanga byeyambise ng'ebyemala nga kuliko erinnya erikolebwako  
(i) -jja (ii) Mala (iii) Sooka (iv) okuba
- (d) Wandika ensonga ssatu n'ebyokulabirako ezivirako erinnya kaamulali okugenda mu lubu lwa 1mu ne litagenda mu12Ka  
(obubonero 3)
- (e) Wandika sentensi bbiri nga zirimu empeekera nakongezakikolwa ezeebiseera ozisazeeko  
(obubonero 2)
- (f) Ddamu owandiike sentensi zino wammanga ng'ebigambo ebisaziddwako ebifudde nakasigirwa.
- i. Enkoko ezo zirabika ziva kubiika mu kiyumba ekyo



- iii. Okufuna ogwa Nanteza e Bulamba.
- iv. Okweyibaala ng'omusimbu atabaala.
- v. Omuntu okusigalamu akakunkuna.
- vi. Okugomba mu muntu obwala.  
(obubonero 04)

(b) Ebisoko bino wammanga londako bitaano obyeeyambise mu sentensi eziggyayo amakulu gaazo

- i. Omuntu okubeera omulamu tteke.
- ii. Omuntu okunaaba ennaku.
- iii. Okugobera omunya mu ssubi.
- iv. Enkuba okubeera ebikokyo.
- v. Omuntu okukoma ku njokye.  
(obubonero 10)

4(a) Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa

- i. Okalya dda kadda dda.....
- ii. Kabaka tatta.....
- iii. .... tekaggwaako masanda
- iv. Mpaawo kitakya.....
- v. .... enkumbi afulumya bbiri
- vi. Omugenyi ajja n'ensawo..... (obubonero 6)

(b) Engero zino wammanga nyonnyola amakulu gaazo agoomunda

- i. Nnyanja eradde tebulako jjengo
- ii. Togaya kyama kya muto
- iii. Nnyinimu atiibwa
- iv. Gw'olulambuza y'alusalako
- v. Ennungu enkalarize ekisa tewona  
(obubonero 10)

### **EKITUNDU C**

Ddamu ekibuuzo kimu kyokka mu kitundu kino ng'okiggya ku nnamba **5, 6** oba **7**

**Kola 5(a) oba (b)**

5(a) Buganda okufiirwa Cranemar Kalinda yakubwa omuggo gw'amaanyi era abantu ab'emirembe gyonna bajja kusigala

nga bamunyumyako. Nyonnyola ensonga eziviirako  
Abaganda okusigala nga boogera ku Kalinda.

**oba**

- (b) Nyonnyola ebintu eby'enjawulo Cranemar Kalinda  
by'ayagala bannabyabufuzi b'ensangi zino okukyawa nga  
weesigame ku kimu ku bitabo bye.

Kola **6(a)** oba **(b)**

- 6(a) Nga weesigama ku buweereza bwa Prof. Masagazi Masaazi  
nyonnyola engeri gy'afuvumbidde okukuuma obuwangwa  
bw'ensi ye Buganda ?

**oba**

- (b) Nyonnyola engeri ebiwandiiko bya Prof. Masagazi Masaazi  
gye bituloopera ekyo ky'ali mu bulamu obwa bulijjo.

Kola **7(a)** oba **(b)**

- 7(a) Lambulula engeri Ddamba Andrew gy'akozesezza katemba  
okugunjula awamu n'okubangula abavubuka b'omulembe  
Omutebi

**oba**

- (b) 'Ekitone zzaabu' nyonnyola n'ebyokulabirako engeri kino  
bwekituukira ku bitone eby'enjawulo Ddamba Andrew  
by'alina.

***BIKOMYE WANO***

